# Agambibwa okuvvoola Gen. Muhoozi asindikiddwa Luzira

Bya MARGRET ZALWANGO


OMUVUBUKA Ibrahim Musana amanyiddwa nga Pressure 24/7 ku mutimbagano gwa Tiktok asimbiddwa mu kkooti ku by'okuvvoola n'okukozesa olulimi olusiga obukyayi ku aduumira amagye g'eggwanga, Gen. Muhoozi Kainerugaba.

Musana 28, omutuuze ku Asante Apartments e Kyanja mu munisipaali y'e Nakawa yasimbiddwa mu kkooti ya City Hall n'asomerwa emisango ebiri okuli okukozesa oba okufuna mu bukyamu ebikwata ku muntu ssaako okukozesa olulimi olusiga obukyayi.

Oludda oluwaabi lugamba nti, mu March wa 2026 ng'akozesa ekibanja kye ekya Pressure 24/7, mu bukyamu yafuna ekifaananyi n'amannya ga Gen. Muhoozi nga tafunye lukusa okuva gy'ali.

Ono era kigambibwa nti, yasaasaanya obubaka obukwata ku Muhoozi ng'agamba tasaanidde kubeera aduumira amagye ga UPDF, obubaka obugambibwa nti buvvoola Muhoozi n'okumuyisaamu amaaso.

Abadde mu maaso g'omulamuzi Edgar Karakire era emisango n'agyegaana.



Musana

Kkooti emusindise mu kkomera okutuusa nga March 26, 2026, oludda oluwaabi lumalirize okunoonyereza.

Musana guno si gwe mulundi ogusoose okuvunaanibwa mu kkooti olw'okukozesa olulimi olusiga obukyayi n'okuvvoola abantu.

Mu February wa 2024, yakwatibwa n'avunaanibwa okuvvoola Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II.

Yavunaanibwa mu kkooti ya Buganda Road mu maaso g'omulamuzi Ronald Kayiizi, n'ategeeza nti mulwadde wa mutwe era nti yaliko ku kitanda e Butabika, n'asaba asonyiyibwe.

Mu mwezi gwa April, omulamuzi yamukkiriza okweyimirirwa ku kakalu ka kkooti ka bukadde bubiri.